# Ssentebe akwatiddwa ku by'ettaka ly'Ekkanisa

Bya JALIAT NAMUWAYA

OFFIISI ya Pulezidenti ekutte n'eggalira Ssentebe w'ekyalo Prison Village e Bugoloobi n'abasuubuzi basatu nga babalanga okukozesa olukujjukujju okwagala okwezza ettaka lya Kkanisa ya Uganda.

Abakwatte kuliko ssentebe Paul Fredrick Magimbi 76, Godfrey Nyamuhanga, George Ngarambe n'omuyambi we. Bano bakwattidwa oluvannyuma lwa bo bennyini okuddukira ku ofiisi y'avunaanyizibwa ku kulondoola enteekateka za Gavumenti mu ofiisi ya Pulezidenti, Yiga Kisa Kyamukama e Lubaga nga baloopa Ssaabalabirizi w'Ekkanisa ya Uganda, Stephen Kazimba Mugalu n'eyakwasibwa obuvunaanyizibwa okukuuma ettaka ly'Ekkanisa, Kenneth Rukundo okubagoba ku ttaka n'okumenya ennyumba ebadde ku ttaka lino kwe bagamba nti balinako ekibanja. Ettaka lino liri ku plot 107 ku luguudo lwa Portbell e Bugolobi.

George Ngarambe omu ku bakwate yategeezezza nti, yagula ekibanja ku ttaka lino mu 1997 era ssentebe n'amuteerako n'omukono ku ndagaano, kwe kuteekako Nyamuhanga n'omuyambi we okulimukuumira.

Wabula akulira ekitongole ekibuulizi ky'enjiri mu Kkanisa ya Uganda, Rev. Can. Geofrey Byarugaba ne Kenneth Rukundo bino baabiwakanyizza ne bagamba nti, bano baakozesa lukujjukujju okujja ku ttaka lino kuba Ekkanisa yaligula mu 1997 nga tekuli musenze. Baalumirizza ssentebe w'ekyalo okuba emabega w'emivuyo gino nti era yaggya ssente obukadde 20 ku kkanisa mu lukujjukujju.

Avunaanyizibwa ku kulondoola enteekateka za Gavumenti mu ofiisi ya Pulezidenti, Yiga Kisa Kyamukama yasabye poliisi ebakwate era ne yeeyama okubeera omujulizi ku ludda lw'Ekkanisa ku nsonga zino.



Abakwate okuli George Ngarambe, ssentebe Paul Fredrick Magimbi ne Geoffrey Nyamuhanga n'omulala. Abayimiridde ya Kisa Kyamukama n'abakulu b'Ekkanisa.